# Okufaayo ku nsonga z'Okwegatta mu by'omukwano n'Okuzaalaly'Ekkubo erituusa ku Bulamu obulungiko mu Distrikiti y'e Kalangala

Abantu abalamu obulungi be twetaaga okusobola okusobola okukulaakulanya Kalangala mu biseera byayo eby'omu maaso. Ekiruubirirwa ky'Enkulaakulana ewanirikika (SDG) nnamba 3 kissa essira ku buweereza mu nsonga z'okwegatta mu mukwano wamu n'okuzaala mu nsi yonna. Okusobozesa abantu okufuna enkola eziziyiza okufuna embuto wamu n'obuweereza obulala obw'ebyobulamu n'okuzaala kaweefube wa maanyi era alimu emiganyulo mingi ddala mu kueezaawo obulamu bw'abantu mu Distrikiti y'e Kalangala.



---

## Okusobozesa abantu okufuna enkola eziziyiza embuto n'obuweereza bw'ebyobulamu n'okuzaala kisobola:

- Okutaasa obulamu
- Okuziyiza endwadde z'ekikaba
- Okunyweza amaka
- Abantu basobola okukola okusinga nga bwe bakola kati
- Okutaasa ensimbi ezisaasaanyizibwa

---

## Distrikiti y'e Kalangala erimu obwetaavu bw'okukola ku nsonga z'ebyobulamu n'okuzaala bwamaanyi era bwetaafa okukolwako amangu.

**90%**
be bali mu buzibu bw'okufuna Akawuka akaleeta Siriimu.[1]

**18%**
balina akawuka akaleeta Mukenenya Omuwendo guno gukubisaamu emirundi esatu.[2]

**48%**
era nga bano kumpi benkana ebitundu bibiri eby'abalala mu ggwanga lyonna.[3]

---

## Obwetaavu bw'enkola eziziyiza okufuna embuto obuli mu Distrikiti y'e Kalangala tebukolebwako mu ngeir ematiza.



66% abafumbo baagala okufuna enkola eziziyiza okufumba embuto, naye ateebitundu

**31% *tebakozesa* nkola yonna ya kuziyiza kufuna mbuto.[4]**



**Abakyala bazaala abaana ne basingaana nga bazaddeyo n'omulala omu okusinga nga bwe bandyagadde:**
Abakyala bandyagadde okuzaala abaana 5, naye ate osingaana nga buli mukyala azaala abaana mukaaga.[5]

---

## Enkola ezisinga okukozesa abakyala abafumbo ze zino:



Empiso (20%)



Obuweta (6%)

## Enkola za Gavumenti mu Uganda ziwagira kaweefube w'abantu ku nsonga z'Ebyobulamu mu Distrikiti y'e Kalangala

Uganda eriina ebisuubizo by'ekoze era n'essaaw n'enteekateeka z'okutumbula obubaka obukwata ku buweereza bw'ebyobulamu n'okuzaala okusobola okuyamba enkulaakulana mu bantu. Distrikiti y'e Kalangala esobola okutuukiriza enkola zino okusobola okutumbula ebyobulamu n'okuzaala wamu n'obulamu obulungi mu bantu okutwaliza awamu.

---

## Ensaasaanya y'Enteekateeka ya Uganda ey'Okuteekerateekera Ezzadde

**(FP-CIP), 2015-2020**

**EKIRUUBIRIRWA**

*Okukendeeza ku bwetaavu obutannaba kukolebwako okubutuusa ku bitundu 10% wamu n'okwonera ku nkozesa z'enkola z'okuziyiza embuto okutuuka ku bitundu 50% omwana gwa 2020 we gunaatuukira.*

**EBIRINA OKUTEEKEBWA KU MWANJO**

- Okwonera ku bubaka obuweebwa abantu ab'emyaka eg'enjawulo, okwongera ku nkozesa y'enteekateeka y'Ezzadde mu bavubuka abali wakati w'emyaka 10 okuuuka ku 20 eby'obukulu.
- Okutumbula n'okunyweza enkyukakyuka bantu ne mu mpisa z'abantu ssekinnoomu okusobola okubamalamu obulimba, obubaka obubuzaabuza, wamu n'okukosebwa okuva ku kukozesa enkola
- Okwongera omuwendo ku kukkiriza wamu n'okukozesa enkola z'okuteekerateekera ezzadde okusobola okuziyiza embuto eziteetaagisa. z'enteekateeka y'Ezzadde.

---

## Enteekateeka y'Eggwanga ey'Okulwanyisa Akawuka akaleeta Siriimu (HIV/AIDS)

**2015/16-2019/20**

**EKIRUUBIRIRWA**

*Okukendeeza ku kusiiga endwadde ezijja n'akawuka akaleeta Siriimu okupya okutuuka ku bitundu 70% wamu n'okukendeeza okusiiga abato akawuka akaleeta Siriimu okutuuka ku bitundu 92% omwaka gwa 2020 we gunaatuukira.*

**EBIRINA OKUTEEKEBWA KU MWANJO**

- Okwongera ku nneeyisa ennungi ey'okwegatta mu byomukwano wamu n'okukendeeza ku nneeyisa y'okwegatta ey'obulabe.
- Okugaziya ku bitundu ne ku bantu abatuukibwako wamu n'enkola z'ekisawo ez'okuziyiza okusaasaanya Akawuka akaleeta Siriimu.
- Okukendeeza ku nsonga ezeekwanya n'obuwangwa, ezeekwanya n'ekikula ky'abantu wamu n'ensonga endala ezongera ku kusaasaanya akawuka akaleeta Siriimu.

---

Distrikiti y'e Kalangala yeewaddeyo okwongera omuwendo ku kusomesa abantu ku bikwata ku kwegatta n'okuzaala ng'eteekawo **Enteekateeka yaayo ey'Ebirina okukolebwaku ku kukendeeza ku kawukala akaleeta Siriimu (HIV/AIDS), , 2015/16–2019/20**, era ng'eteekateeka eno eraga bulungi ebirina okukolebwa abakungu ba distrikiti ab'ebyobulamu wamu n'abo abakola ku nkola za gavument:

- Okwongera ku **magezi agakwata ku HIV** wamu n'okutumbula **empisa ennungu ez'okwegatta mu byomukwano** mu bantu bonna okutwaliza awamu.
- Okutumbula okwetabya **abasajja mu kaweefube w'okuziyiza HIV** ku mutendera gw'omuntu ssekinnomu, n'abafumbo, ate n'amaka.
- Okunyweza kaweefube **w'okuziyiza okusosolwa n'okuboolebwa.**

Ekirina okuddako okukolebwa okulaba nti ebikwata ku kwegatta n'okuzaala bikolebwako bulungi kwe **kuteekawo Enteekateeka ya Distrikiti y'e Kalangala ey'Enteekateeka y'Ezzadde.** Enteekateeka ya Uganda ey'Okuteekerateekera amaka amanyiddwa nga Uganda FP-CIP essa essira ku n'ewa gavumenti ez'ebitundu mu distrikiti wamu n'abakungu b'ebyobulamu obuvunaanyizibwa okulaba engeri gye bafuula ensonga eggwanga ze litadde ku mwanjo okubeera mu nteekateeka ya distrikiti ey'ebyo ebirna okukolebwawamu n'okulondoola entuukirirza yaabyo mu distrikiti eyo.

---

## iki abakungu ba Gavumenti n'ab'ebyobulamu kye basobola okukola mu distrikiti y'e Kalangala?

**1** **Okubaga enteekateeka** eraba obulungi ensonga ezirina okussibwa ku mwanjo mu.

**2** **Okwongera ku bungi bw'empeereza y'ebikwata ku kwegatta mu byomukwano n'okuzaala wamu** n'okutuusa ku bantu enkola z'okuziyiza embuto ez'enjawulo buli muntu n'aba nga ky'ayagala kikolebwako bulungi.

**3** **Okwongeza ku mbalirira** y'obuweereza n'ebyetaagisa mu buweereza bw'ebyokusomesa abantu ku byokwegatta n'okuzaala mu malwaliro naddala ng'empiso, obuweta n'empeke.

**4** **Okukakasa nti abakyala bonna basobola okufuna** enkola y'okuziyiza embuto gye baagala, ne bwe baba nga bali mu bifo ebizibu okutuukamu.

**5** Okutuuka ku bantu mu bitundu gye babeera **nga mubasomesa okubamanyisa omugaso gw'Enteekateeka y'Ezzadde wamu n'Okuziyiza HIV.**

---

*Weetegereze: Emiwendo gyonna egibalibwa ku kikumi egiri mu kiwandiiko kino giggyiddwako obutundutundu ne gibalibwa ng'emiramba.*

**Ebijuliziddwa**


[1] Muwanga Edward, "District HIV & AIDS Status Report," presentation delivered at the AIDS Partnership Forum 2017, Kalangala, Uganda, June 29, 2016.

[2] Muwanga Edward, "District HIV & AIDS Status Report," Uganda Ministry of Health, *Uganda Population-Based HIV Impact Assessment, 2016-2017* (Kampala, Uganda: Ministry of Health, 2017).

[3] Uganda Bureau of Statistics (UBOS) and ICF, *Uganda Demographic and Health Survey (DHS) 2016* (Kampala, Uganda and Rockville, MD: UBOS and ICF, 2018).

[4] UBOS and ICF, Uganda DHS 2016.

[5] UBOS and ICF, Uganda DHS 2016.


© 2018 Population Reference Bureau. All rights reserved.